# Olutalo lusitudde buto mu ppaaka y'e Mpereerwe

Bya HANNINGTON NKALUBO

OLUTALO lw'abattakisi mu ppaaka y'e Mpereerwe lusitudde buto, baddereeva bwe bagudde mu lukwe nti KCCA eyagala kubasengula ebaggye we bakolera kati ebazze we baababagoba nga ssente zibalemye okusasula.

Bawandiikidde dayirekita wa Kampala, Hajjat Sharifah Buzeki ne bamutegeeza nti si beetegefu kutwalibwa mu kifo mwe baasooka okukolera. Mu bbaluwa gye baamuwandiikidde nga March 23, 2026, bamulaze nti baalemererwa okukolera mu kifo ky'omugagga KCCA ky'ebasibyeko lwa nsimbi ze yali ayagala bamusasule nga tebazisobola.

Baamulaze nti baali bakolera mu kifo ekyo nga basasula 115,000/- nga bazisobola naye bwe yabongeza okutuuka ku 320,000/- buli lunaku ne zibalemerera.

Omukungu atwala eggombolola y'e Kawempe, Lukka Kagenyi yabawagidde naye n'awandiikira KCCA ebbaluwa ng'agamba nti ensonga za ppaaka y'e Mpererwe zitandise okuvaako obumenyi bw'amateeka nga baddereeva buli lunaku batiisa okwekalakaasa.

Ebbaluwa ya Kagenyi yalagidde KCCA obutageza kutaataaganya battakisi kuba we bakolera kati wabula ebayambe bongere kunywererawo nga bakolera mu mateeka kubanga obutebenkevu bubadde bweyongecdde.

Gye buvuddeko, waaliwo olutalo mu ppaaka eno nga baddereeva balwana n'ebibinja bya bakanyama abagambibwa nti baapangisibwa okukuba baddereeva abaali bagaanye okusasula ssente ne basenguka okuva mu ppaaka y'omugagga Nakabaale.Olutalo lwabaviirako okwekyawa ne basenguka era bawezezza emyezi egisoba mu etaano nga bakola mu mirembe.



Abattakisi nga boogera ku kya KCCA okugaana okubawuliriza.

## 'Entalo zikosa basaabaze'



**Robert Mukalazi; Entalo mu ttakisi zisinga kukosa basaabaze era KCCA esaanye ekitegeere era ezikomye. Baddereeva bwe baba balemeddwa okukkaanya ne KCCA, ensonga baziroope ewa Pulezidenti abayambe.**



**Abdulatif Nakalaali: Baddereeva b'e Mpereerwe bakolera mu bugubi olw'oluguudo lwa Kiteezi okuba olubi. Bwe bagattako n'okunyigirizibwa, kiba kibi. KCCA ebayambe ng'egendera ku kye baagala basobole okweyagalira mu mulimu gwabwe.**



**Jamil Mukiibi: KCCA ekole okunoonyereza ku baddereeva kye baagala. Bwe baba beekubidde enduulu ew'omubaka wa Pulezidenti n'awabula, lwaki KCCA eremerako? Ffe abasaabaze tetwagala ntalo era tusaba KCCA ezikomye bunnambiro.**